**9th October 2016.**

# OBUSUNGU N'OBUGGYA BW'OMUNTU TEBIGGYAAWO KUSAASIRA KWA KATONDA.

**Olubereberye 29:15 - 30:24.**

Nga bwe twaalaba omulundi ogwayita nga Yakobo avudde ewa kitaawe ne nnyina era nga yalina ebiragiro by'okugenda e Padanamalamu afune omukazi ow'okuwasa. Twaleka amaze okusisinkana Laakeeri wamu ne kkojja we Labbaani.

**Vs 15.** Labbaani agamba Yakobo ng'amaze omwezi mulamba okumukolera alyoke amusasule.

**Vs 16-18** Yakobo kubanga yalina ku mutima gwe okwagala kw'omukyala era nga yali yeegombye Laakeeri nga yakamusisinkana nga bwe yasabibwa okumenya omusaala gwanaasasulwa yalina kusoosa kya mukyala.

Kino kye kyamuli ku mutima kubanga bwe yali ava ewaka yategeezebwa nti agenda kunoonya mukazi wa kuwasa newankubadde nga nnyina yali agezaako ku muddusa mugandawe Esawu.

Emirundi egisinga ebintu ebituli ku mitima gyaffe bisalawo ngeri ki gye tweyisaamu.

Kino kituwa eky'okuyiga nti bwetuba tusendasenda abantu okukola ebintu tulina okubawa ensonga entuufu ez'okukola ebintu ebyo.

Enkola y'amawanga agaali ebuvanjuba bwa Yisirayiri yali nti omusajja yalina okuwaayo ebintu ebyogereza omukazi era nga bweyabanga talina nsimbi yapakasanga era kino kyekyakolanga nga ebiweebwayo eri taata w'omukyala.

**Vs 19-25** Yakobo yapakasa n'essanyu lingi kubanga omuntu gwe yali akolerera yali amwagala. Era ng'amaze okukola yasaba Labbaani okumuwa mukyala we.

Wano obukuusa bw'omuntu we bulabikira nga Labbaani awaayo Leeya n'aleka Laakeeri nga bwebaali balagaanye nga akozesa obuwangwa.

Obuwangwa bulungi era butuyigiriza ebintu ebirungi bingi naye tulina okubwetegerereza mu kigambo kya Katonda.

Tulina okukimanya nti bwe twalokoka twafuuka ggwanga ddonde era nga n'enkola ekyuka nti nga tetunnabuuza obuwangwa bwe bukikola tusookenga kubuuza Katonda kyagamba.

**Vs 31-35** Leeya eyali akyayiddwa ajjukirwa Katonda era azaala abaana Lewubeni, Simyoni, Levi, wamu ne Yuda.
Ekisa kya Katonda ekitasosola kyayolesebwa nga okuyita mw'oyo eyali yakyayibwa ekika kya Levi ekyavaamu ba kabona wamu n'ekya Yuda ekyavaamu kabaka Dawudi omuva Yesu Kristo bizaalibwa.

**30. 1** Laakeeri akwatirwa mugandawe obuggya era nga abaana newankubadde nga bayita mu Yakobo naye Katonda y'abagaba.
Wano Laakeeri yandibadde akyukira Katonda oyo agaba abaana nga bwetulaba Kaana mu **I Samwiri 1.10-11** bweyakyukira Katonda wamu n'okumukaabirira okusinga okukaabira mwami we Erukaana wamu n'okukyawa mujjawe Penina wamu n'okumokwatibwa obuggya,
**Vs 2** Yakobo addamu obuggya n'obusungu. Kiba kibi nnyo obuggya bwe busisinkana obusungu.
Embeera ezifaanana bwezityo zeetaaga okukkakkana era netufuuka nga abasirusiru olwo tulabike nga tuli bagezi mu kisera eky'omumaaso.
**Vs 3-7** Enkola ey'abakozi okuzaalira bakama baabwe abaana yaleetebwa mu maka ga Ibulayimu abantu boomubugwanjuba era nga wano tulaba nga ekola ne mu maka ga muzzukulu we Yakobo.
Newankubadde nga Laakeeri yeebaza Katonda nti amwanukudde naye tetulaba ng'amusaba wabula tulaba ng'akozesa amagezi ge okutuukiriza okwagala kwe.
Era ne kumulundi guno tulaba ekisa kya Katonda nti agaba ezzadde.

**Vs 8** Luno lwalabika nga olutalo olwabalukawo olw'obujja n'okulemererwa okwesiga Katonda era nga abaana baafuuka eky'okulwanyisa.
Emirundi mingi twagala okukozesa ebyo Katonda byatuwadde okufuuka eby'okwenyumiriza n'okulwanyisa mu kussa abalala wansi nga tubalowoozesa nti tuli ba kitalo nnyo kubanga tulina bino na biri,
Naye tumanye nti buli ekituweeredwa kiba lwa kisa kya Katonda.

**Vs 9** Gaadi ne Aseri bazaalibwa Zirupa era nga olw'obutali bumativu bw'omuntu Leeya yazuukusa omuliro gw'ebbuba nga Laakeeri nawankubadde nga Mukama yali amuwadde ezzadde naye nga akyalina okuwaalirira nga atannazaala.
Ekikula ky'omuntu bwekityo nti tamatira okujjako nga Mukama amukutteko ate naye naagonda.

**Vs 14-16** Amadudayimu bibala ebireeta oluzaalo mu basajja n'abakazi. Wano okusaba Katonda we kuviira mu ddiiro era ne tutandika n'okulaba Yakobo nga atandise okukozesebwa nga ekyuma ekikola abaana.
**Vs 17-20** Isakaali, Zebbuluuni ne Dina bazaalibwa.
**Vs 21-24** Katonda ow'ekisa ajjukira Laakeeri newankubadde nga yali atonzeewo embeera oy'okuwaalirira mu maka ga Yakobo olw'obuggya.
Katonda tajjukira Laakeeri si lwakubanga Lakeeri yali mwesigwa, wabula lwakuba nti Katonda mwesigwa era wa kisa nnyo.

= Obuggya tulabye nti buleeta obusungu.
= Obuggya bukaddiya .Engero 14.30 "Omutima ogulimu emirembe guwangaaza omuntu , naye obuggya buvunza amagumba ge''
= Era obuggya buleeta ekiruyi n'okuwaalirira

Era tumanye nti Katonda abonereza obuggya wamu n'obusungu si nsoga oba tuli batuufu okunyiiga oba nedda.
- Buli lwetwesanga mu mbeera ereeta obuggya wamu n'obusungu tulowooze nga lwaki tuluwooza nga bwetulooza era tujja kuzuula nti tuli bakyaamu.
- Twetoowaze mu maaso g'abo betunyiigidde nga tukkiriza okulabika nga abasiru olwo tufuuke bagezi.
- Era tujjukire nga okutegeezanga Katonda nga bwetuwulira nga tetunnaba kutegeeza muntu yenna.
Abagalatiya 5:26 'Tulemenga okwemanya, n'okunyizaganya, n'okukwatirwagananga obuggya.''
Engero 17.32 'Omuntu agumiikiriza asinga omutabaazi, n'oyo afuga obusungu bwe akira awamba ekibuga.

Tulabye nga Katonda ne wakati mu mbeera ezireeta obuggya era n'obusungu talema kutwoolesa kusaasira kwe okusukkulumye okutegeera kwaffe.

Gano ge gamu ku maka agaasooka era nga tulaba nga gajudde obutabanguko. Ate olwo gano agajudde okusendebwasendebwa okuli buli wamu?

Newankubadde nga byonna biri bwebityo, Katonda akyatutaddeko ekisa kye n'okusaasira kwe.